# Abamaduuka mu Kampala bafunye ku buweerero

Bya MOSES KIGONGO

ABASUUBUZI mu maduuka agali mu Kampala bacacanca oluvannyuma lw'okugoba ababadde batundira ku nguudo.

**Edward Ntale**, omusuubuzi w'engoye empya ku kizimbe kya Pentagon era omu bakulembeze b'abasuubuzi abeegattira mu kibiina kya United Arcades Traders' and Entreprenuers' Association-UATEA, yalaze essanyu oluvannyuma lw'okugoba abatundira ku nguudo ababadde babatwalako bakasitoma.

Yasabye Gavumenti okulemera ku nsonga eno, abatembeeyi baleme kuddira ddala.

Yawadde obujulizi nti yatandise okutunda 300,000/- n'okudda waggulu so nga luli abadde asiitaana okukola emitwalo 10 olunaku.

Ronald Kamya, omu ku basuubula eby'amasomero mu Kikuubo yagambye nti, yatandise okukola ku ssente okuva lwe baagobye ababadde batundira ku nguudo.

"Kati bakasitoma batutuukako bulungi. Mbadde n'ekirowoozo ky'okuva we nkolera naye kati ndaba embeera eteredde."

Margrate Namwanga, omu ku batunda ebintu by'abaana ku Mini Price, yagambye nti, "Tufunye ku buweerero olw'abasazi b'ensawo okukendeera mu kifo kino kubanga babadde beeyambisa embeera y'akavuyo okusala bakasitoma baffe ensawo."

Ab'amaduuka baalaze essuubi ly'okuddamu okukakkalabya emirimu gyabwe nga bagamba, ababadde babalemesa baavudde ku makubo.

Ntale alumiriza nti, waliwo bamusigansimbi naddala Abachina ababadde baguza abantu bano emmaali naddala ekaddiyidde mu siwooza zaabwe okubayamba okugibaggyiramu ssente nga bayita mu kugitundira ku makubo.

"Kati ffenna katuvuganyize mu maduuka so si kuyiwa mmaali ku makubo.

**GAV'T KYEGAMBA.**

Akulira KCCA, Sharifa Buzeki, bwe yabadde ayogerako eri bannamawulire ku nsonga z'abakolera ku makubo, yalaze obukulu bw'okusengula abakolera ku nguudo nti kyakukendeeza ku mujjuzo n'akavuyo mu Kampala.

"Twagala Bannakampala bakolere emirimu gyabwe mu kibuga ekitaliimu bumenyi bw'amateeka, nga kiyonjo ate nga kiteeketeeke bulungi okwewala akavuyo n'omujjuzo ebirabisa obubi ebibuga ebikuze nga Kampala," Buzeki bwe yategeezezza mu kiwandiiko kye yafulumiza ku nsonga y'abatembeeyi.

## Abantu bye bagamba



**Joseph Kananga Mutamba:** Enteekateeka ey'okugoba abatundira ku nguudo nnungi era bagiremereko baleme kudda. Wabula abaagobeddwa babafunire aw'okukolera.



**Sasha Namutebi:** Abantu baleme kuvuma Gavumenti. Kye yakoze kituufu kuba ekibuga kibaddemu akavuyo kangi. Ensi erina kukula ng'egenda mu maaso, si kudda mabega nga battira abamu ku liiso ne bakola ebikyamu.



**Ausi Musanje.** Gavumenti efunire abantu abagobeddwa ku nguudo ebifo mwe bayinza okukolera. Abamu ekibaleeta ku kkubo, tebalina bifo we bakolera.